**30th September 2018.**

## OKUNYWEEZEBWA TWEYONGERE MU BUTUUKIRIVU.

**Abaebbulaniya 12:12-17.**

Nga bwe twaakikomekkereza omulundi oguwedde nti omulamwa gwaffe leero ye yali ensonga y'okubuulirirwa kwaffe kw'olwo. Ng'omuwandiisi w'ebbaluwa eri Abaebbulaniya ali mu kkalaatirira abasomi be bonna mu kiseera ekyo abaali abakkiriza Abayudaaya, kyokka nga bitwaaliramu n'abo abaali tebanneeweerayo ddala kukkiririza mu Yesu Kristo, ng'era ab'engeri zombi basangibwa mu ffe ababisomesebwa leero, eri obweetaavu bw'okweyongerayo, okufuba n'okuba obulindaala. [The need for continuance, diligence and vigilance].
Era ng'akyaalina ekifaanani ky'okukkiriza kwaffe okuba ng'embiro, kye twatandika nakyo essuula eno, mu kujjayo enkozesa y'ebyo byonna bye yali ababuuliridde mu makulu g'okuba n'obusukkulumu bwa Yesu Kristo nga Kabona waffe Asinga Obukulu era saddaaka yaffe ey'olubeerera ng'obukakafu bw'obulokozi bwaffe obwannamaddala.
Omuwandiisi agamba mu nnyiriri zino okuva ku 12 – 17 nti……

Lnny. 12 - Bw'oba odduka, (bwe kiba nga toli era tobangako muddusi), emikono, n'amaviivi by'ebitundu by'omubiri ebisinga okkozesebwa mu mbiro omuntu okudduka obulungi. Era bwe twaali tudduka embiro ezo empanvu mwe twaalina okweetooloola ekisaawe emirundi nga kkumi, wadde wayagalanga nnyo waakiri omaleko, watuukanga emikono n'amaviivi bwe wawuliranga nga bbyo bikomye, tebikyeeyongerayo kkuwanirira mu misinde! Olwo naawe lwe weetaaganga ennyo okukkiriza, obugumiikiriza, obuvumu n'obumalirivu otuuke ku kaguwa. Ate era kitubuuliriddwa mu ssuula eno nti mu mbiro zaffe ez'okukkiriza tetuvuganya balala okubawangula wabula tuvuganya omubiri tusobole okumalako, era tuweebwe engule y'obulamu obutaggwaawo n'emiganyulo gyaabwo mu kubeerawo kwa Mukama Katonda Kitaffe, era nga bwe tuneeyongera okulaba.
N'olw'ekyo nga bwe kyagambibwa Isirayiri mu Isaaya 35:3,4 nti "Muzzeemu amaanyi emikono eminafu, n'amaviivi agajugumira mugagumye. Mugambe abo abalina omutima omuti nti, Mubeere n'amaanyi temutya: laba Katonda wammwe alijja; alibalwanirira, alage abalabe bammwe obusungu obw'Obwakatonda, era alibalokola."

Kitugwaanidde okunyweezebwa n'okukkiriza, obugumiikiriza, obuvumu n'obumalirivu [ Faith, Patience, Courage, Resolution]. Nga bw'obyeyongeramu osobozesebwa okumalako, awamu n'okuzzaamu amaanyi abakugoberera oba abakulabirako. Ate nga fenna tuba nabo wadde olundi tetubamanya na bbamanya.

Olunny. 13 lukyoogerako nti………… Mu Ngero 4:25-26 tubuulirirwa nti "Amaaso go gatunulenga butereevu, era otunulenga n'obumalirivu eyo gy'olaga. Ttereeza bulungi amakubo go; okwate amakubo ageesigika gokka. Tokyamanga ku mukono ogwa ddyo oba ogwa kkono; ebigere byo byewalenga ekkubo ekyamu."
Mu kuba nti wabaawo obweetaavu bw'okujjawo mu kkubo lyaffe [tracks], ebikonko oba enfunfugu ebiyinza ottutega oba ottulemesa okudduka obulungi embiro zaffe. Era ebyo abalema n'abanafu bibalemeseza ddala okweyongerayo mu mbiro. Tulina okweewala ebintu, abantu, n'ebifo ebiziyiza omuddusi okudduka butereevu, era ne bwe banaaba balema oba banafu tebajja kuziyizibwa kudduka, baleme kuva mu kkubo, olw'okwessittala, wabula bawonyezebwe.

Lnny.14. Okuyigganyizibwa kuganyulwemu obutuukirivu Mukama bw'akugenderera okuvaamu nga bwe twaabuulirwa mu lnny 11….. N'olw'ekyo wadde bwa bulumi, tukalaatirwa okufubanga okuba n'emirembe n'abantu bonna, era okufubanga okuba abatukuvu, kubanga atali mutukuvu taliraba Mukama.
Emirembe gy'obukristaayo egya nnamaddala gibaawo mu butuukirivu. Paulo Omutume ky'ava agamba mu Baruumi 14:19 nti "N'olwekyo tunyiikirirenga eby'emirembe, n'eby'okuzimbagana ffekka ne ffekka." Kuba bwe tuzimbagana tunyweeza obutuukirivu, ate nga awatali butuukirivu – atali mutukuvu taliraba Mukama. Ne Yesu Kristo yakyogera mu Matayo 5:8 nti "Balina omukisa abalina omutima omulongoofu, kubanga abo baliraba Katonda."
Okuzimbagana kuno Paulo kwayogerako, n'omuwandiisi w'ebbaluwa eno kwazze akalaatirira obwetaavu, nga bwe yagamba mu ssuula 10:24,25 nti "era tussengayo omwoyo buli muntu eri munne, nga twekubiriza mu kwagala ne mu kukola ebikolwa ebirungi. Tuleme kulekayo kukuŋŋaana, ng'abamu bwe bakola, naye buli muntu agumye munne, na ddala nga bwe mulaba nti, Olunaku lw'okudda kwa Mukama waffe lusembedde."

Era kyagamba mu lnny. 15…….. Ensigo ey'obukyayi eloka okubeesaawo emirandira gy'obukaawu [ roots of bitterness] – egibaza ebibala by'obukaawu.
Bangi bagwagwawala [ they are defiled] [because they are stumbled] beesittawazibwa.

Era eky'okulabirako ky'obulamu bwa Esau bwoyinza okusomako mu Lub. 25 n'okweyongerayo paka mu 27 kitubuulirwa mu nny. 16 ne 17 nti…….
Esau eyalina okuba omusika w'ekitiibwa ky'obuggulanda obwaali obuvunnaanyizibwa obw'omwoyo [spiritual responsibility], teyakibalaamu nsa olw'olulya olumu! Ng'eky'okulabirako eri abo abateegendereze bukulu bw'obusika bw'obwakatonda obweetaagisa obutuukirivu.
Nga Esau, bwe tuteegendereze, bwe gunaatuuka ku kusalibwa omusango ne tugaanibwa mu ggulu okuba ne Mukama, ne bwe tunaakaaba gatya obungi, tewajja kuba mukisa kwenenya, n'olw'ekyo tusiime ekisa kye tulina okwenenya ebibi byaffe nga kikyaaliwo.
I Abakkolinso 6:9,10 zigamba "Oba temumanyi ng'abatali batuukirivu tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda? Temulimbibwanga. Abakaba, newaakubadde abasinza bakatonda abalala, newaakubadde abenzi, newaakubadde abasajja abeeyisa ng'abakazi, newaakubadde abalya ebisiyaga, newaakubadde ababbi, newaakubadde aboomululu, newaakubadde abatamiivu, newaakubadde abajerega, newaakubadde abanyazi tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda."

Lnny 6:11 lukikomekkereza n'essuubi nti " Era abamu ku mmwe mwali nga bo, naye ebibi byammwe byanaazibwa era mwatukuzibwa era mwaweebwa obutuukirivu mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo n'Omwoyo wa Katonda waffe."
N'olw'ekyo tunyweezebwe tweyongere mu butuukirivu…….
I Yokaana 1:7-9; "Naye bwe tutambulira mu musana nga ye bw'ali omusana, olwo tussakimu buli muntu ne munne, n'omusaayi gwa Yesu Omwana we, gutunaazaako buli kibi kyonna. Bwe twogera nti tetulina kibi, twerimba ffekka, era n'amazima tegaba mu ffe. Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. Bwe tugamba nti tetulina kibi, tumufuula mulimba era nga n'ekigambo kye tekiri mu ffe."